

P360/3

LUGANDA

Paper 3

Jul / Aug 2019

3 Hours



MUKONO EXAMINATION COUNCIL

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

Paper 3

3 Hours

### **EBIGOBERERWA**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu **A**, **B** ne **C**.*

*Mu kitundu **A**, kolamu ekibuuzo **kimu***

*Mu kitundu **B**, kolamu ebibuuzo **bibiri (2)** ekimu kiggye mu ppuloozi n'ekirala kimu kiggye mu bitontome.*

*Mu kitundu **C**, kolamu ekibuuzo kimu.*

*Kola ebibuuzo **bina** byokka awamu.*

### **E.N.K KAWERE: Zinunula Omunaku**

1. Nnyonyola bulungi ensonga eziyamba Zinunula okutuuka ku buwangizi mu lugero Zinunula omunaku. **(Obubonero 25)**
2. Nokolayo obukuubagano mukaaga okuva mu lugero Zinunula Omunaku
  - a) Nnyonyola ensibuko yaabwo. **(Obubonero 12)**
  - b) Laga bulungi ekigendererwa ky'omuwandiisi kw'asinzidde okubuteeka mu lugero. **(Obubonero 13)**

### **M.B. NSIMBI : Bwali Butamanya.**

3. Nga weesigama ku bigenda mu maaso Bwali butamanya; Nnyonyola bulungi engeri omuwandiisi gy'atuzimbiddemu ekifaananyi ky'abakazi ab'omulembe guno mu lugero. **(Obubonero 25)**
4. "mulina obujulizi obulaga ng'omwana ono wa mulenzi ono ....." .....Tubulina ssebo ....." "ssebo ebigambo tubikwate mpola ....."
  - a) Baani aboogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu ssuula ki? **(Obubonero 5)**
  - b) Nga weesigama ku ssuula omusimbuddwa ebigambo ebyo, Nnyonyola bulungi obubaka abasomi bwe bafuna mu ssuula eyo. **(Obubonero 5)**

### **PULOOZI**

5. Soma ekitundu kino wammanga n'olvanyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako  
Omuwala Sarah Nabukeera,  
Buswabulongo – Mityana.

Gyebale gyonna gy'okolera eggwanga, omwogezi omu yagamba nti "obufumbo bulinga mpuku ya golodi anti abamu babeera b'esunga kuyingira banyumirwe ebirimu ate abaliyo ng'abafa kiziyiro baagala kuddukayo.

Mwana wange, nali ndowooza nti bwoliyingira obufumbo kigambo kuyomba ogenda kukikomya, kati omwami waffe yakyadde ewa kitaawo omwezi oguwedde ng'agamba nti ekizibu kyalina naawe kya kuyomba, nti oyomba n'enneyenje nezikunkumuka" Agamba nti bw'otoyombako obeera ng'omulwadde.Yagambye nti buli kimu okitukiriza bulungi naye okuyomba kusuukkiridde.Omwami yagambye nti okuyomba nga mukyali mu mukwano yali takufaako kubanga nga temubeera mwenna, naye kati awulira akyoye era yeekyaaye.

Mwana wange, teri musajja ayagala mukyala muyombi era teri muntu yenna ayagala kubeera namuntu muyombi mwana wange Sarah, oba tokimanyi okuyomba nga kwadiba dda, omuntu ayomba alaga omuntu atalina buvunaanyizibwa, omuntu yenna alina okufuga ebigambo n'okusengejja ebigambo byafulumya mu kamwake. Bwoyomba olaga omuntu atalina mpisa nakamu era eyakulira e manju ng'obusa bw'embuzi.

Waliwo okuyomba ng'okikoze okulaga obutali bumativu naye ng'era okikoze mu mbeera ey'obuvunanyizibwa katugambe n'obuuza munno nti owange ova lwaki wakoze kino?kyampisizza bubi n'okoma awo: okwo kwe kuyomba okulungi, ebigambo ebibi ate ng'abaana bawulira kigoba omusajja mu maka.

Ekisookera ddala, mwana wange okimanyi nti maama bw'abeera omuyombi n'abaana babeera bayombi, "mwana mugimu ava ku ngozi" Anti abaana basobola okulowooza nti okuyomba kulungi ate abaana bakoppa bazadde, Era mwana mubi avumya nnyina, " kirabe kyatwala obuyombi bwa nnyina waakyo". Era seewuunya bwe nali ewammwe! kawala kaffe akaavuma omwana w'omupangisa ekigambo ekinene ate nga naawe bye bigambo byokozesa.

Ng'ovudde ku baana ababo, mwana wange tosobola kubeera na mikwano ng'oli muyombi, buli muntu akwewala kubanga teri ayagala kubeera mu mbeera ya kuyomba anti "sekawuka kaali kakulumye .....

Abantu abasinga baagala mirembe kati bw'ova ku bantu ate omwami wo alina kukwewalira ddala oluusi nakuleka mu nnyumba, naye jjukira ago maka ge buli musajja ayagala n'akomawo awaka n'awummula. Ayagala alabe ku baanabe era mubeere mu mirembe, kati bw'oyomba ng'afuna wafunira emirembe ova mu kunywa ova n'okufuna omukyala omulala amuwa e mirembe.

Byebyo mwana wange, okuyomba kukomye bw'oba oyagala obufumbo obukubya akaga  
Owuwo  
Ssenga Namazzi

### **Ebibuuzo**

- a) Omunyumya w'emboozzi eno azimbiddwa atya? *(Obubonero 8)*  
b) Laga obukugu bwayoleseza ng'anyumya okusobola okugyayo obubaka.

*(Obubonero 10)*

- c) Mbeera ki omunyumya gy'alimu era owe ensonga lwaki ali mu mbeera eyo?

*(Obubonero 5)*

- d) Nnyonyola amakulu agali mu bigambo bino ag'omunda

- i) Obukubya akaga  
ii) N'ennyenje nezikunkumuka

*(Obubonero 2)*

## **OKOT P'BITEK; Omulanga gwa Lawino**

*(kyakyusibwa Abasi Kiyimba)*

### **6. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaako;**

#### **OLUGENDO LWE PAGAK LWA NTIISA**

1. Omwami wange  
Buli kiseera annyombesa  
Nti mpitiridde okukkiririza mu bigambo bya balubaale;  
Mbu olw'okuba kitange  
Yali musawo wa kinnansi omukuukuutivu,  
Nnemeddwa okuyiga enkola ey'omulembe  
Ey'okugema endwadde n'okulabirira abalwadde.  
Atuula annangira  
Nti simanyi kukozesa **Kwiniini**,  
Wadde okwewala obukyafu obuleeta endwadde.  
Ocol agamba  
Nti mpitirizza okutya eddogo,  
Kino ke kinnemesa okwanjulukuka ebirowoozo.
2. Baliraanwa baagamba baze  
Nti mmange yaleeta eddagala awaka  
Ery'okufulula eddogo  
Abakazi abaguma  
Lye baali baleese okutta abaana baffe.  
Mbu abamu baali baleese **agugu**  
Ng'abalala baleese **adraka**.  
Ate abalala baamugamba  
Nti jjajjange omukazi azaala maama  
Naye yaleeta eddagala ekkambwe  
Ng'aliggya mu Bamadi,  
Mbu nga teritta baana lyereka lityo.
3. Wadde Ocol takkiriza  
Nti ebantu by'Abaddugavu birina amaanyi,  
Ebigambo bino biweraliikiriza nnyo,  
Kubanga tayagalira ddala  
Bantu bakolagana na ddogo.
4. Ocol buli kwekyusa anvuma  
Nti ennyumba ye  
Ngiyingizaamu buli akyama awaka  
Nga mwe muli ne bannakyalo abatanaaba,  
Abaddugala ebitagambika  
Abawunya n'ekivundu  
Ekibaleetera okunyookako ensowera!
5. Ocol agamba  
Nti abejjanda zange abamu,

Naddala bannamukadde,  
 Kya bulabe nnyo okubakyaza awaka,  
 Kubanga balina endwadde ez'akabi  
 Nga ebigenge n'akafuba,  
 Nga n'emibiri gibasiwa buli ssaawa.  
 Alina obweraliikirivu  
 Nti endwadde zino  
 Ziyinza okukwata abaana baffe  
 Ye sejjange addira ddala awaka waffe,  
 Kubanga alina envunza n'ensekere;  
 Mbu ate n'omutwe gwe  
 Gulabika si mutereevu.

6. Oyo ye maama anzaala  
 Eby'okutukyalira yabiviirako ddala  
 Ng'ebigambo bya mukoddomi we  
 Tajja kubisobola;  
 Ggwe ate olaba amulangira  
 Okwagala okutta abaana abange be nzaala?
7. Ebigambo bino byonna  
 Ocol abyogera misana ttuku,  
 Nga tasse na ku ddoboozi.  
 Tatya bantu be oba abange kumuwlira  
 Wadde nga by'ayogera bibanyiiza.

### **Ebibuuzo.**

- (i) Leeta embeera ssatu eziraga embeera y'omutontomi n'ensonga lwaki ali mu mbeera ezo? **(Obubonero 6)**
- (ii) Ekitontome kino kisengekeddwa kitya? **(Obubonero 8)**
- (iii) Obukugu bw'omuwandiisi bweyolekedde butya mu nzimba y'ekitontome kino?  
**(Obubonero 8)**
- (iv) Amaloboozi gazimbiddwa gatya mu kitontome kino? **(Obubonero 3)**
- 7. Okwemulugunya kwa Lawino kweyoleka bulungi mu katabo Omulanga gwa Lawino' Laga bulungi obutuufu bw'endowooza eno. **(Obubonero 25)**

### **F. M. Masagazi: Mpaawo Kitakya**

8. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ebikwatakko.

### **BBOODA BOODA**

*Bbooda Booda*  
*Muto wange yansaba mmugulire bbooda booda olw'engeri gye yali*  
*Alabye abalala nga bafunamu ate mu mangu.*  
*Nzijukira ebigambo bye wamu n'abantu be nnabuuzanga ku*  
*"business' ya booda booda*

*Bbooda booda saagigula ne kisigala nga kinnumiriza!*

1. Boodabooda y'eggaali, nandiki ppiki?  
Boodabooda mu bwangu, boodabooda  
Boodabooda mu mafuta, boodabooda  
Boodabooda mu bisale, Boodabooda  
Boodabooda mu nkukutu, Boodabooda  
Boodabooda mu wenyuka, Boodabooda  
Booda Booda buli omu, Boodabooda
  
2. N'omala ofuna olukumi, n'olukumi lwa jjo  
N'omala ofuna, ettwako, n'omutwalo gwa jjo  
N'obiteeka mu ndyanga, n'oweza ennusu  
Omusimbi n'oguweza, n'agula eggadi  
Ebisente ne biwera, n'ogula eppiki  
Boodabooda ge magezi, agakuwa ennusu.
  
3. Okugiyiga taata, omalayo kkumi  
Okusonseka sekeni, obeerayo ssatu  
Okulinnya n'esibamu, ogendayo ssatu  
Amateeka n'olukusa, beerayo lumu  
Okuzibala ozziweza, anti z'ekkumi.
  
4. Emmanyiira y'ebivuga, oyagala kkumi  
Wasiwasi wa booda, essatu zimala  
Okuyita ku bboosi, ennaku zo ssatu  
Okunywera n;akkalira, omalayo ssatu  
Okuyiga ebisale, ka lube lumu  
Bw'obalaabala oziweze, ng'oli mu kkumi.
  
5. Ebirala munnange, oyagala kkumu  
Poliisi ya city, eyagalwa yigwa  
Obutaala bwa bbooda, omyansiza kumu  
Ekizibaawo n'ekkooti, oyagala bina  
Effolooma n'olisiba, byetaaga nnaku  
Okuvugisa omukono osaanira oyiga.
  
  
6. Endala essatu-ttaano, nazo ze kkumi  
Okumatira omulimu, weetaaga lumu  
Obutabba bya beene, ezo ze ssatu  
Tojjuza futa ttanka, nazo ze ssatu  
Okubiyiga ebyo nno, z'ennaku ekkumi.
  
7. Waliwo bano abavumi, abaagala okkubwa  
Atawezessa nkumi ttaano, yeetaga kkubwa  
Akututteko omuntu, yeetaaga luyi  
Abanyakula bbooda, balina kufa  
Abatujoga ku bbooda tebasana lekwa

Bwe bukodyo bwa booda, bw'olina ommanya.

8. Bwe nkulojera bbooda, njagala oyige  
Ogikwate ogivuge, ng'oli mukugu  
Ka nkuwulizeeyo bino, ebyagalwa ommanya  
Bboodabooda gwe mulimu, ogwagala okkolwa  
Gulina ssebo ssente, eza buli nnaku  
Akamere ne soda, tolema ggula  
Omuwala ng'alwadde, obeera n'ennusu.
9. Boodabooda gwe mulimu, ogulimu kavu  
Tonyoomanga olukumi, n'okumi, n'olukumi lwa jjo  
Bw'oziezanga olukumi, mwe muva enkumi  
Okuzimba awasulwa, lwe lukumi n'olukumi  
Okuweerera abaana lwe lukumi n'olukumi  
Obuwejjere obugoba, lwe lukumi n'olukumi  
Boodabooda kw'otuula, n'ofuna essanyu.

### **Ebibuuzo.**

- i) Amaloboozi gazimbiddwa gatya mu kitontome kino? **(Obubonero 3)**
  - ii) Obubonero obweyambisiddwa mu kitontome bulina mugaso ki mu nzimba y'ekitontome kino? **(Obubonero 4)**
  - iii) Olukusa lw'omutontomi lweyeolese lutya mu kitontome kino? **(Obubonero 3)**
  - iv) Okudinjana ebigambo n'enyririri kulina bukulu ki mu kitontome kino? **(Obubonero 6)**
  - v) Ekitontome kino kisengekeddwa kitya? **(Obubonero 9)**
9. Embeera z'abantu ezabulijjo, zeyokeredde zitya mu bitontome bya Masagazi mu Mpaawo Kitakya? **(Obubonero 25)**

**EKITUNDU C**  
**EMIZANNYO: Wycliff Kiyingi**  
**LOZIO BBA SSESIRIA**

10. a) Nnyonyola n'ebiyokulabirako ebikolwa bya katemba Kiyingi bye yeeyambisiza okufuula omuzannyo gwe omunyuvu **(Obubonero 10)**
  - b) Bukodyo ki abulala obutali katemba obufuula omuzannyo okuba omunyuvu? **(Obubonero 15)**
11. ....(Bwatuula) Jane wali ku luguudo waliwo akwetaaga" (Jane afubutuka n'adduka n'agenda)  
.....(alinga ag'enda -bwalingiza) eyeetaaga Jane njamba abadde atya eyeekasuka ng'engabi – abakwetaaga bakwetaagira mu nguudo? (Eri .....njamba ggwe, ani yeetaaga Jane mu luguudo?)

.....Simumanyi, ndabye kuntuma.  
.....(yesisa) ka ɳjende anyinyonyole kwasinziira okwetaaga Jane mu nguudo.

- a) Baani aboogerezeganya mu kitundu ekyo era kisimbuddwa mu kitundu ki mu muzannyo? **(Obubonero 05)**
- b) Aboogera mu kitundu ekyo bazimbiddwa batya okusobola okugyayo ekigendererewa ky'omuwandiisi? **(Obubonero 20)**

**ELLY NATHAN KYEYUNE: Bemba Musota.**

12. Nnyonnyola n'eb yokulabirako engeri omuzannyo Bemba Musota gye gufuuse essomo eri banabyabufuzi ba Yuganda ab'omulembe gunno.

**(Obubonero 25)**

13. “ ..... Singa tekibadde nti akutumye okumukolera omulimu anzisaamu ekitiibwa wano tewandivuddewo .....”

- i) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo? **(Obubonero 3)**
- ii) Mbeera ki evuddeko omwogezi okwogera ebigambo ebyo? **(Obubonero 4)**
- iii) Ayogerwako, agambibwa, nayogera ebigambo ebyo balina ssomo ki eri abasomi b'omuzannyo Bemba Musota? **(Obubonero 18)**

***Bikomye Wano***